

EBYEBUUZIBWA OKUKWATAGANA NE KATONDA

1.Lwaki katonda yatutonda ?

Buli muntu akkiriza nti ebitundu by'emibiri gy'affe ,ng'amaaso ,amatu, obwongo,omutima n'omutwe yenna nga mujjuvu aliko ekigendererwa,katonda omumanyi wabuli kimu atugeeza nti yatuwa obulamu bwaffe nga kutugeza alabe oyo anaabukozesa n'akkiriza era n'agoberera obulungamu obwo bwe yamussa mu Quraane n'ebitabo ebyagisooka ng'abuyisiza mu babaka be yatuma gyetuli.

Katonda atugamba

“mazima ffe twatonda omuntu..... kumugeza,netumuwa okuwulira n'okulaba .Mazima twamulaga ekkubo ,ery'okwebaza (Allah) oba obutamwebaza.”(Quraane:76:2 - 3)

Kino kitegeza nti omuntu ,olw'okuweebwa bino byonna , ajja kuvunanyizibwa ku bikolwa bye muni,Ekigezo kyeyaweebwa omuntu kwe kugondera katonda n'okumusiza wadde ng'oluusi kikontana n'ebyo omuntu by'ayagala oba ebimusanyusa .

“LWAKI KATONDA YETAAGA OKUTUGEZA?”

Katonda tali mu bwetaavu eri kintu kyonna ,yetaaga kutonda kintu kyonna wadde okugeza omuntu yenna , taganyulwa mu bukkiriza bwaffe ate takosebwa bwetuba tetumukkiriza .wabula kiri mu kumanya okuba nga yatutonda natuwa omukisa okumutegeerako akatono .Amanyi ebinajja mumaaso ,era yatuwa omukisa mu bulamu bwaffe bwetulimu buli muntu akole kyayagala ,naye wabula nga atulaze ekirungi n'ekibi.decisiones.

“DDALA KITUUFU TULINA OKWESALIRAWO”?

Ekituufu nti katonda amanyi bye twagala ne byetayagala ,katonda ayagala nnyo abantu bamukirizze kyokka naye talina gw'awaliriza kumukiriza . Ssinga yayagala yandilungamizza abantu bonna nebamukiriza era asobola buli kintu kyonna .Naye mu kumanya kwe ,yatutonda n'atuwa obusobozi okulondawo era n'atufuula abajja okuvunanyizibwa kw'ebyo bye twalondawo okugoberera .Era tekitegeza nti buli kintu katonda kye yatukkiriza okukola kimusanyusa nga kikoledwa ,gamba nga okwawukana kw'omwami ne mukyala we.

“LWAKI KATONDA TEYERAGA ERI BANTU MU NDABIKA YE”?

Mumagezige n'okumanya kwe Allah ,yasalawo ebitonde bimutegerere ku bubonero bwe ne by'akola . Wano wewali wokka ekigezo kyetulina mu bulamu .Yabufuula buvunanyizibwa bwaffe okukozesa amagezi ge yatuwa tumutegeere .Kitegeza nti abo bokka abamazima ,abagonvu ,abafumintiriza bebasobola okumutegeera n'okumukiriza .

“LWAKI WALIWO OKUBONAABONA / EBIZIBU MU BULAMU BWENSI”?

Abantu abenjawulo bafuna ebizibu eby'enjawulo nga bigezo .Twala ekyokulabirako ekyobulwadde ,enjala, nebiralala.Oluusi bafuna ebirungi era nga nabyo bigezo gyebali . Bino byombi okugezeebwa kw'omuntu mwe kuyitira mu bulamu bwe era byombi bireetebwa katonda n'abimutusaako .Ffe tetusobola kufuga ebyo ebitutuukako naye ate tufuga ekyo kyetukola nga bimaze okututuukako ,era ekyo katonda kyatulumulirako n'amanya obukkiriza bwaffe bwe buyimiridde .Kino kiwa buli muntu ky'agenda okusasulwa mu bwenkanya bwa katonda ku lunaku lw'alimusiinkana oluvannyuma lw'obulamu buno obw'akaseera akatono.

“LWAKI KATONDA ABONEREZA ABANTU”?

Tewali n'omu atakkiriza nti katonda abonereza era kimufuula omwenkanya .Katonda yatutonda n'atuwa amagezi okwelonderawo bwetwagala okuwangaala ,olwo ate tulasulwe oluvannyuma . Abo abafaayo ne bagondera katonda bajja kufuna okusaasira n'ejjana ye (ennyumba ey'emirembe).Naye abo abatafuddeyo kumanya kigendererwa kya bulamu bwabwe nebajeemera katonda ,nabo ekyo kye balanzeewo ,era nabo bajja kusasulwa kw'ebyo bye basalawo okukola .Tewali n'omu asobola kunenya katonda ate katonda teyatonda bantu ng'ayagala kubonereza ,wabula abaagaliza bwangu na kubasaasira.

Obusiraamu buyigiriza nti omuntu asaana abe wakati wa bintu bibiri okusuubira okusasira kwa Allah , n'okutya ebibonerezo bye era nga byombi biyamba omuntu okuwangaala nga mugonvu eri Allah ku mateekage . Allah yemusaasizi ennyo ,omwenkanya .Singa tekibadde nti olunaku lw'enkomerero lwa kubaawo ,kyandijeeewo obwenkya bwa katonda n'obulamuzi bwe era obulamu bwaffe tebwandibaddemu bwenkanya .

OKUWUMBAWUMBA

Eri abo abagaala okumanya amazima kyokka nga tebannasalawo kutegeera na kugondera katonda (Allah) nga kwe kwekwaata ku busiraamu ,tubawa amagezi gano basabe ngeri eno;

“Allah bwoba nga gy'oli ,nkusaba ondage amazima” .
Ekinaava mu kusaba okwo kiyinza okukwewunyisa ..

www.islamic-message.net
AHLAN : www.ahlan-group.com
www.facebook.com/Ahlan.Explore
info@ahlan-group.com
africaislamicdaawah@gmail.com

OKUWAKANYA OKUBAWO KWA KATONDA

ATHEISM



“Tujja kubalaga obubonero bwaffe mu bwengula ne mubulamu bwabwe bwenyinni okutuusa lwe kinaabeeyoleka nti kya mazima.....(Quran:41:53).



Conveying Islamic Message Society
P.o.Box 834 - Alex - Egypt
E-Mail: info_en@islamic-message.net
E-mail: cims_eg@yahoo.com
Site: www.islamic-message.net
Not for sale
نهرى ولا تباع

رساله الى ملحد
باللغة اللوجنديه

MUNSOMESA Y'OBUSIRAAMU.

Akatabo kano kanyonnyola ensomesa y'obusiraamu ku kukkiriza katonda,era butya katonda bwalaga obubonero bwe obulaga okubaawo kwe nga bulabikira mu butonde bwe ne mukussa obubaka eri abantu ,ne bunyonnyola ebyo abamukkiriza bye betaaga okumanya.

Katonda yetaaga tumutegeerere mu bubonero bwe era, tumulowozeeko tusobole okumukkiriza .Abantu abamu bino byonna babikkiriza era katonda by'akoze babiraba ,sso ate abalala babiwakanyiza ddala nti ssi y'abikola ,era bbo nebabulira ddala.

Kikulu okumanyanti katonda yye alungama abo abamukkiriza era nga betaaga okulungamizibwa kale n'olwekyo ,abo abatetaaga kukkiriza katonda tebasobola kulungama (okufuna obukkiriza),katonda atugamba

*"Katonda (Allah) alungama jaali oyo asemblera n'adda jaali"
(Quran:13:27).*

N'olwekyo ,tukakasa nti abo abakkiriza mu katonda abafumintiriza era nga banonya okutegeera amazima baganyulwa bulungi mu bigambo ebyo ate nebibayamba okwongera okutegeera amangu ebifa ku katonda waabwe ,anti yye alungama oyo aba azze jaali ng'amukkiriza.

ENSONGA LWAKI OSAANIDDE OKUMUKKIRIZA

Wansi tulambika ensonga ssatu lwaki osaanidde okukkiriza omutonzi (Allah).

1.OKUTANDIKAWO ENSI N'EGGULU

*"Batondebwa tewali kyebajjid-dwamu? Oba bbo bebaatonda nga bennyini".
(Quran:52:35)*

Ensonga esooka kwe kutandikibwawo kw'ensi n'eggulu n'ebibirimu byonna. Okusenziira ku sayansi ,ensi n'eggulu n'ebibirimu byonna birina entandiikwa .Kati byonna olwo byatandika bitya era byavaawa? Mu magezi ag'obuntu ,kitegeere-ekeka nti ekintu ekirina entandiikwa tekibaawo bubeezi nga tekirina akitandiseewo, era tekisobola kw'etonda .Nabweki-tyo tukimanye nti waliwo owa waggulu ku byonna eyabitandikawo owa waggulu ono atekwa okuba nga wamaanyi era nga mugezi ,mumanyi nnyo olw'okusobola okubitandikawo ate nassaawo enteekateeka kubyo gye birina okutambulirako n'enkola zaabyo zonna .Taliiko biseera bigere ddi yye lwe yabeerawo era tamanyiddwa bwe yenkana oba bwafaanana .Bino ebitendo byonna bikakasa ensonga emu nti katonda gy'ali.

Abamu bayinza okubuuza ; "Ani yatonda katonda"? katonda ,omutonzi yye tafaanana nabitonde bye.Wanjawulo .Obutafaanana na bitonde ,katonda talina ntandiikwa kubanga yye y'atandikawo y'atandikawo buli kintu ekiriwo.

2.OBUTUUKIRIVU/ OBUTABAAMU NSOBI BW'ENSI NEGGULU N'EBIBIRIMU.

Ensonga ey'okubiri kwe kuba nga eggulu n'ensi byabaawo nga tolabamu kitatuukiridde oba ensobi nti tebijjudde .Abafe ,ebintu ebyo byonna bya baawo byokka nga tebiriiko mutesiteesi waabyo?

Eby'obutonde bingi bitulaga nti byateekwawo kuyamba bulamu bwaffe okuba obulungi gamba nga ebbanga eriri wakati w'ensi nenjuba eyokya ennyo ,obunene bwettaka kwetuli , emisinde ensi kweyetoloorera, omukka gw'etussa (oxygen) oguli mubbanga lyaffe n'ebirala nfaafa.

Nga omukozi w'essawa bweyasobola okugipima n'eba nga tesoboola kusuula budde bwebala ,kale n'ensi erina eyagiteekateeka n'eba nga tesuula budde bwerina okukozesa okwetoolola enjuba netakeerewa .Abafe bino byonna byaliwo ku lwabyo?

Kirina okutegeerekeka nti obusiraamu bukubiriza omuntu okusoma n'okutegeera sayansi . Sanyansi atuyambako okutegeera enkola n'entandikawo y'ebintu ebyo ebimu katonda byeyateekawo ,kino nekitusobozesa okumutegeera n'okumukakasa amaanyi ge .Ebizuuliddwa bingi mu sayansi nga entambula y'amazzi nengeri gye getoololamu mu nsi ne mu bbanga ,amanyi g'ensi n'enjuba n'omwaka bitulaga nti biriko omukozi eyabiteekateeka ,kale tetulina kuwakana nga tetukiriza katonda.

3.OBUBAKA KATONDA BW'ASSA ERI ABANTU (NGA BANNABBI).

Ensonga ey'okusatu bwe bubaka n'okubikkulirwa okwo katonda kwassa eri abantu abalage nti gy'ali.

Ekimu ku bigendererwa eby'okussibwa kw'ekitabo kya Qurane kwe kukwoola abantu balwooze ku katonda era bamukkirize nti ye mutonzi wa buli kyonna .Mu Quraane katonda agamba;

"Mazima mu kutondebwa kw'eggulu (omusanvu) n'ensi (omusanvu) wamu n'okukyukakyuka kw'ekiro n'emisana n'ebombo(amaato) ebiseyeeya ku nnyanja n'ebyo ebigasa abantu n'ago amazzi Allah gassa okuva mu ggulu,n'alamusa nago ebiri muni era n'aggyamu ebyobulamu byonna ebitambula muni ,n'okutambuza kw'atambuza empewo n'ebire ebitambulira wakati w'eggulu n'ensi ,mu bino mulimu obubonero eri abantu abategeera".(Quraane:2:164).

Waliwo obubonero obulagira ddala nti Quraane bigambo bya katonda .

QURAANE:

- Quraane yonna teriimu nsobi yadde okukubagana
- Ekuumiddwa kigambo ku kigambo ,okuva lwe yassibwa mu lulimi oluwalabu ,tekyukangako ,ekitaliku bitabo ebirala.
- Obubaka obugirimu bunyonnyofu ,butegeerekeka ate nga bwabantu bonna ate nga busobozesa omuntu okutegeera katonda we.
- Quraane emaze emyaka egisukka mu 1400 nga erimu ebintu ebyali bitamanyiddwa eri muntu yenna mu biseera ebyo kyokka nga sayansi azudde nga bituufu nnyo mu kiseera kino.Eby'okulabirako ;okuba ng'amazzi y'ensibuko yabuli kiramu kyonna (Quraane:21:30) ,okutambula kw'enjuba n'omwezi (Quraane:21:33) n'ebirala bingi.
- Quraane erimu ebyafaayo bingi ebyamazima ebyabuulirwa Nabbi Muhammadi(s.a.w) era nga yali tasobola kuba ng'abimanyi nga tebinnamubuulirwa mu Quraane .Muno mwemuli ebyafaayo bya banabbi abasooka ,okutondebwa kwensi ,ebitali mu kumanya kwa muntu yenna .

- Erimu olulimi n'ebigambo eby'amakulu amakusike ng'ate n'entegeka oba ensengeka yaabyo yali tesobola kukolebwa nabbi atasoma biwandiiiko mu bulamu bwe okutuusa lwe yamussibwako .Tunulira obulungi bw'amakulu gaayo otubuulire oba omuntu atasomangako yandisobodde okugayyiya ate negatakubagana.

Quraane erina obuufu n'omukululo gwessa mu mutima gw'oyo agisoma.

Mu kunyonnyola okusinga obutuufu ,tugamba nti bino byonna eby'amagero ebiri mu Quraane bikakasa nti bigambo bya katonda byonna ye yabissa.